


# Gavumenti eweze ebika by'eddagala ly'ebirime 18 lwa kulwaza kookolo

Bya HERBERT MUSOKE

GAVUMENTI ng'eyita mu minisitule y'Obulimi, obulunzi n'obuvubi eweze ebika by'eddagala ly'ebirime 18 by'egamba nti, bya bulabe eri ebirime, ebisolo n'abantu.

Mu bbaluwa gye yawandiikidde Ssentebe w'ekitongole ekitwala obulamu bw'ebirime mu Uganda n'abatunda eddagala ly'ebirime bonna mu Uganda, Paul Mwambu avunaanyizibwa ku kukebera ebirime n'okubikakasa mu minisitule agamba nti, eddagala lino liwereddwa obutaddamu kukozesebwa mu Uganda nga kigambibwa nti, lirimu ebirungo ebivaako ekirwadde kya kookolo.

Mwambu nga era ye muwandiisi w'akakiiko akavunaanyizibwa ku kwekenneenya eddagala erikozesebwa mu bulimi n'obulunzi agamba nti, eddagala erizuuliddwaamu ebirungo ebyekuusa ku kulwaza kookolo, lirina okuggyibwa ku katale mu mwezi gwa June ng'abalitunda baweereddwa okutuuka nga June 30 okubeera nga tebakyalirina mu maduuka gaabwe.

Erimu ku ddagala eriwereddwa kuliko; Alpha cypermethrin, atrazine, ametryn, butachlor, carbendazim, carbofuran, chlorothalonil, chlorpyrifos, Dichlorvos, Dimethoate, Diuron, Fipronil, Weed Master (Glyphosate), Imidacloprid, Indoxacarb, Mancozeb, Profenofos, Propranolol ne thiamethoxam.

Mwambu agamba nti, kino kikoleddwa okutaasa eggwanga okuva ku ddagala erikosa obulamu bw'abantu abagenda okulya ebirime ebikozeseddwaako eddagala lino.

"Tulina okukimanya nti, tewakyali ggwanga liyimirira lyokka nga kazinga. Ensi yonna yafuuka kyalo kimu. Noolwekyo, bwe tufuna amawulire okuva mu bakugu mu mawanga ag'ebweru, naffe tukola okunoonyereza olwo ne tutegeeza abantu baffe kye bateekeddwa okukola n'obutakola," Mwambu bw'agamba.

Agamba nti, eddagala erimu likozesebwa mu birime ebitwalibwa ku katale k'ebweru ng'emmwaanyi ekikosa ebyenfuna by'eggwanga singa lisangibwamu.



Omulimi ng'afuuyira muwogo okutta obuwuka.

## OKUNOONYEREZA OKUYISE

Kkampuni ya Vision Group etwala ne Bukedde yakola okunoonyereza emyaka etaano egiyise ku ddagala ly'obulabe erisangibwa ku nnyaanya n'emboga ebitundibwa ku butale bwa Kampala n'ebitundu by'eggwanga eby'enjawulo.

Okunoonyereza kuno kwazuula ng'abalimi abamu bafuuyira ebirime byabwe okutuuka ku lunaku lw'okunoga ne batwala ebirime mu butale nga bikyatonnya eddagala ng'emu ku nkola y'okubiwangaaza nga bikunguddwa.

Okusinziira ku kitongole ky'okukuuma obutonde mu Amerika ekya United States Environmental Protection Agency, eddagala ly'ebirime erikozesebwa mu Uganda ebitundu 59 ku 100 ku bika 41 ebyawandiisibwa, biri mu kiti ky'eddagala ly'obulabe eri obulamu.

Okusinziira ku kitongole ekikwataganya ekirwadde kya kookolo ekya Uganda Cancer Institute (UCI), ekirwadde kya kookolo kyeyongera okutta Bannayuganda buli lukya nga kiraga nti, buli mwaka wabeerawo abantu 34,008 abapya abakwatibwa kookolo mu Uganda.

Ebiwandiiko by'ekitongole biraga nti, kookolo atta abantu abawera 22,900 buli mwaka ng'okutwaliza awamu, ku buli bantu 100,000, abantu 154 babeera n'ekirwadde kya kookolo.

## ENSISINKANO Y'ABASUUBUZI N'ABAKUNGU

Gye buvuddeko, abakungu okuva mu minisitule nga bakulembeddwamu Mwambu baatuuza olukiiko n'abatunzi b'eddagala mu Container Village okubannyonnyola ku nteekateeka eno.

Wabula Joy Mayanja Kato, Ssentebe w'abasuubuzi b'eddagala ly'ebirime mu Container Village yalaga obwennyamivu okubeera ng'eddagala eryassiddwa ku lukalala ate teryawereddwa kuyingizibwa mu ggwanga.

"Abasuubuzi abamu ababadde bayingiza muno eddagala lino, babadde ne layisinsi y'okuyingiza eddagala mu ggwanga emyaka etaano mu maaso. Guno gumu ku miwaatwa egiremesa amateeka n'ebiragiro okussibwa mu nkola kuba eddagala bwe liwerebwa ate ne lisigala nga liyingizibwa mu ggwanga obeera tolina ky'okoze," Kato bw'agamba.

## EBIBONEREZO

Mwambu agamba nti, okusinziira ku tteeka erirung'amya okufulumya, okutereka, okubunyisa, okukozesa, okuyingiza n'okutunda eddagala erikozesebwa mu bulimi mu Uganda, Agricultural Chemical (Control) Act 2006, waliwo ebibonerezo ebirambikibwa singa okwatibwa ng'okolera ebweru w'etteeka.

Okusinziira ku tteeka, omuntu asingisiddwa omusango asasuzibwa engassi eri mu kakadde ka ssente oba okusibwa mu kkomera obutasukka myaka ebiri n'ekitundu oba byombi.

Wabula Mwambu agamba nti, wadde lino lyawereddwa abalimi n'abasuubuzi b'eddagala ly'ebirime bateekeddwa okubeera abeegendereza nga batunda n'okuzesa eddagala ly'ebirime kuba libeeramu obutwa obukosa obulamu bw'abantu.

Mu katabo kaffe Enkumbi terimba aka wiiki ejja, tugenda kukuleetera abakugu nga bakulambika ku nkozesa y'eddagala entuufu, obujjanjabi obusooka n'ebirala ebigenda okukuyamba okwetangira.